**06th October 2019.**

# OKULUUBIRIRA YESU KRISTO NGA BWE TWAMBAZIBWA OBUTUUKIRIVU.

**Abakkolosaayi 3:1-11.**

Mu kweyongerayo kwaffe okusomesebwa mu bbaluwa y'Omutume Paulo eri ab'oluganda abakkiriza abaali e Kkolosaayi, ebyawandiikibwa ebituukirivu gye tuli abakkiriza mu mulembe guno, era wano mu Kampala.
Tulaba nti mu ssuula ebbiri eziddako abuulirira ku nkwasaganya y'okuyigirizibwa kwe mu bulamu bw'abakkiriza abakristaayo, kubanga kikulu nnyo okuba nga omukristaayo takoma ku kunnyonnyoka kuyigirizibwa kwa kwagala kwa Mukama, n'asobola n'okunnyonnyola, oba kkubuulira kyokka ng'enneeyisa ye yeegaanira ddala ebyo byabuulira…. Eby'ekisa, amazima, okwagala, amaanyi, n'obutuukirivu bwa Mukama Katonda we gw'akkiririzaamu mu Yesu Kristo ng'Omulokozi era Mukama w'obulamu bwe.
Tito 1:16 lugamba nti "Bagamba nti bamanyi Katonda, naye mu bikolwa byabwe bamwegaana. Bagwenyufu era bajeemu, tebasaanira kuweebwa mulimu mulungi n'akatono."
Kireme kuba gye tuli bw'ekityo, Ky'ava agamba…….[ Okusoma….]

Essira liri ku ntabagana y'omukkiriza ne Yesu Kristo.

**Lnny 3.** Wafa naye – n'olw'ekyo mu ttufiirira twafa naye.
I Abakk.12:13….. "Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu."
Abakkolosaayi 2:12....... "Bwe mwabatizibwa, mwaziikibwa wamu naye, ate ne muzuukizibwa wamu naye olw'okukkiriza kwammwe mu maanyi ga Katonda eyamuzuukiza mu bafu."
Baruumi 6:2….. "Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola?"
I Yokaana 2:15 – 17….

**Lnny 4.** Tuli balamu mu Kristo Yesu.

I Yokaana 5:11,12…. "Era buno bwe bujulirwa nti: Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu buno buli mu Mwana we.  Buli alina Omwana alina obulamu, naye oyo atalina Mwana wa Katonda talina bulamu."
Tuli bafu eri ekibi………. Ate abalamu mu Kristo.

**Lnny 1**. Lwakuba twazuukira wamu naye.
Era bwe yagenda mu ggulu, naffe essira lirina kuba eyo gyaali.
**Lnny 2**.  Ng'endowooza zaffe ziri gyaali, so ssi eri eby'ensi.

**Nny 5 – 9……**
Baruumi 6:4… "Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, naffe twafuna obulamu obuggya, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo obuggya."

Baefeso 4:15…. "Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa."

**Nny 10 – 11….**

Baruumi 8:29….. "Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi."

Bagg. 3:28…… "Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu."